

**KING'S COLLEGE – BUDDO**  
**UGANDA ADVANCED CERTIFICATE OF EDUCATION**  
**INTERNAL MOCKS EXAMINATIONS 2020**  
**LUGANDA**  
**(OKUKYUSA, OKUWANDIKA EMBOOZI, OKUSOMA BWINO**  
**N'OKUFUNZA.)**  
**OLUPAPULA OLWOKUBIRI**  
**ESSAAWA: SSATU**

**EBIGOBERERWA.**

- Olup`apula luno lulimu ebitundu bina A, B, C ne D.
- Ebitundu A, C ne D byabuwaze.
- Mu kitundu B, owereddwa eby'okulondako by'oyagala okuddamu.
- Ddamu nga bw'olagiddwa mu buli kitundu.

**EKITUNDU A**

**Ddamu 1(a) oba 1(b)**

1. Kyusa ekitundu kino mu Luganda. (obubonero 15)

A study conducted by Uwezo East Africa in Kenya, Uganda and Tanzania, shows that only 20 percent of pupils in East Africa can read and do basic Mathematics in third year, of primary school. This comes at a time when 164 countries including the East African States, are expected to implement the Education for all initiatives they pledged 15 years ago.

The United Nations Education Scientific and Cultural Organization (UNESCO), in a recent report said that the global focus on Universal Primary Education has diverted attention from other crucial areas such as education quality, adult literacy and early childhood care, despite not meeting the 2015 deadline, millions of more children are in school than would have been had the trends of the 1990s persistent. However, the agenda is far met.

“Without a stronger education foundation, students will lack skills and know-how needed to become curious, questioning, and informed citizens” said John Mugo.

To avoid a tragic waste of limited financial and human resources, he said, East African countries must make sure that every child who attends school leaves with at the very least basic numeracy and literacy skills.

**(Partial extract with minor modifications from *The East African*, May 23 – 29 2015, written by Christabel Ligami)**

Kyusa ekitundu kino okizze mu lungereza. (obubonero 15)

abantu bannaffe betukkiriza okubeera nabo mu maka gaffe balungi kubanga batumalako ekiwuubaalo, bakola emirimu mu maka naye basaana okwegendereza ennyoo nnyini ddala. Osaana okusooka okulowooza ennyo ku oyo gw'ogenda okuleeta awaka naddala ekikula kye, kwe kugamba muwala oba mulenzi, emyaka gy'alina eddiini gy'asoma n'ebirala.

Mukwano gwange omu enfiirabulago era nga ye Anus Musoke teyalwa ng'asalawo yeefunireyo evvubuka erinaamuyambangako mu mirimu a waka wamu n'okukuuma awaka mu biseera ebimu nga tariiwo. Waayita mbale ng'evvubuka alifuna. Lyali lirabika bulungi nga era lya kiwago. Musoke ne mukyala Musoke baakeranga mu kibuga. Olumu mukyala Musoke yakomangawo ne wayitawo ennaku nga bbiri oba ssatu nga mwami Musoke tannadda.

Ebyembi nga binajja, ng'oggyeko evvubuka okuyonja awaka n'okukuumawo obulungi, mwami Musoke yagenda okudda yasanga evvubuka liri mu kusinda mukwano ne mukyalawe. Katono Musoke agweewo ekigwo.

Ekyaddirira kwe kutemya ku poliisi eyamuli ekinnya n'empindi n'ejja ebakwate lubona.

## **EKITUNDU B**

### **Ddamu 2(a) oba 2(b)**

2. a) Ku mitwe egikuweereddwa, londako gumu oguwandiikeko emboozi ya bigambo 350 – 400. (buli mutwe gwa bubonero 30)
- i) Ekyama kibotolwa.
  - ii) Ekyengera amangu kivundu mangu.
  - iii) Wandiika emboozi ng'onnyonnyola omugaso oguli mukuzaala abaana abangi ddala.
  - iv) 'Enkola y'okuzza abayizi mu bibiina bye babaddamu esaana okudibizibwa.' Kubaganya ebirowoozo.

### **Oba**

- b) ku mitwe egikuweereddwa, londako ebiri (2) buli gumu oguwandiikeko emboozi nga bw'olagiddwa. (buli mutwe obubonero 15)
- i) Oweereddwa omukisa okutegeeza bayizi banno omugaso gw'okuba n'endagamuntu. Wandiika by'onooyogera. (**kozesu ebigambo 200**)
  - ii) Wandiika bye wazuula mu kunoonyereza kwe wakola ebiviirako abantu obutayagala kuwasa n'okufumbirwa. (**kozesu ebigambo 200**)
  - iii) John Luzindana ye yali ssentebe wammwe ow'ekibiina kya Nkoba Za Mbogo kati emyaka mukaaga egiyiseewo. Muwandiikire ebbaluwa ng'omuteegeeza ebikufaako ne banno bwe mwali. (**kozesu ebigambo 200**)
  - iv) Gwe okiikiridde banno mu kuziika mukozi munnammwe eyabavudde

ku maaso. Wandiika obubaka bwo obunasomwa ku ntaana. (**Kozesa ebigambo 200**)

### **EKITUNDU C**

3. Mu 1985 ne 1986 waaliwo vvaawo mpitewo eyali aludde okukubwako ekyomulubaale. Gyali myaka mizibu nnyo nnyini ddala egitasobola kuggwa ku mitima gy'abantu n'okudingira ddala ku bannakyaggwe wamu ne banna Bugerere. Omuganda agamba nti omuto gy'amanyi enkuba gy'etonya, naye osanga ne mu bitundu ebirala mu ggwanga embeera teyali nnungi.

Ku kyalu Kibetu ekisangibwa mu mulu;ka gwe Kikwanya ye yali omwami omutongole ate era ng'akolanga owomuluka. Omwami oyo ye yali Ojjula era erinnya lye eddala saalitegeera. Omwami ono yali mukambwe ng'ennumba era nga tamala gazannyirwako. Abantu beyakulemberanga yatuukanga n'okubayisaako ow'embuya awatali nsonga ya maanyi ate omwmi nannyini buyinza! Abantu yabalemesanga n'ekitundu ne basibamu ebyanguwa ne basegulira ekinene kya wanga. Eyalemwanga okuwa omusolo ogw'omutwe ng'oyo anaalira ku nsiko, ebintu by'abantu yabiwambanga nga talina gwe yeebuuzizaako. Ebyembi nga binajja, waaliwo lumu Ojjula lwe yali agoba abaali tebannawa musolo nga waliwo n'emmotoka eyali eyitawo okwejjukiriza ng'omutuuze agudde mu mmotoka bambi eyiye ne bavuunika. Emiranga gyabuutikira ekyalo era buli omu yagenda akiikidde Ojjula ensingo. Atya omusana talya bwami. Okumanya Ojjula yali musajja atatya biduduma, yagenda mu maaso n'okufuuza abantu abalala abaali tebannaba kuwa musolo era bangi n'abateeka ku kaguwa.

Abaalugera balutuusa nti, “Okalya dda kadda dda”, Ojjula yagenda mu maaso n'okujoonyesa abantu era nga tewali amutambaala kumukuba

ku mukono. Mu mulembe ogwo omusibira mu bbwa bangi baalusuulamu akaba ate ne bataziikwa. Emmere yafuuka akamere olwensonga nti abantu baatyanga okugenda okusamba ennanda olw'okweariikilira kwebaabangamu.

Mu mwezi gwa Gatonya, mu mwaka gwa 1986 eyali Ssenkaggale nnantagambwako omusibira mu bbwa Ojjula embeera yamwononekera era obudde ne bumuddugalira. Obukulembeze bweyali aweererezaamu bwakwatibwa ku nkoona. Essany teriba lya lubeerera. Abantu baalumba Ojjula mu matumbi budde ne bakoona enju ye eyali eya nayininayini ng'enjogera bwe yali mu kiseera ekyo. Kwali kutemya kikowe ng'enju yonna eri ku ttaka! Ebisolo bye byonna byasalibwa ne babyokya omukyomo, ebitooke bye byasaayiibwa n'emmwanyi ne zitemwa. Ojjula baamuwenja ng'embuzi n'ebuziizi naye nga takubikako kyamulubaale. Abaana be bassaako kakokola tondeka nnyuma sikulwa nga bagwa ku kibambilira.

Ojjula ne banne abaalisanga abantu akakanja, wetwogerera be ba lucoolo abawedde emirimu! Baawaŋŋangukira mu bitundu birala. Abaana baabwe ku kitundu tewali ayinza kubalonda mu bifo bya bukulembeze. Ensi esaana kwegendereza na kweyisa bulungi. Okuganza oba okuganzibwa omuntu ava mu nju ya Ojjula gwafuuka muziro.

### **Ebibuuzo.**

- i) Ekitundu ekikuweereddwa kiwe omutwe ogukituukirako.(obubonero 2)
- ii) Omuwandiisi avudde ku ki okwogera kyalo Kibetu. (obubonero 2)
- iii) Wa ensonga nnya (4) omuwandiisi z'alaze abantu kwe baasinziiranga okwekokkola Ojjula. (obubonero 7)

- iv) Leeta ebintu bina (4) ebyayoleka obusungu bw'abantu bwe baalina eri omutongole Ojjula. (obubonero 4)
- v) Menya ensonga bbiri (2) ezooleka obukyayi obwenkomeredde abantu bwe baalina ku ojjula. (obubonero 4)
- vi) Nnyonnyola amakulu g'ebigambo bino nga bwe bikozeseddwa mu kitundu ky'osomye: (obubonero 04)
  - Gyabuutikira
  - Bidudduma
  - N'okujooonyesa
  - Lucoolo

## **EKITUNDU D**

- 4. Funza ekitundu kino mu bigambo nga 100.** (obubonero 20)

Embwa kye kimu ku bisolo ebirundibwa wano mu Buganda. Newankubadde waliwo n'ebisolo ebirala ebirundibwa mu maka, naye embwa yo ekwata kisooka. Omuntu atuuka n'okwoza ku mmunye singa embwa ye gy'alunda awaka asanga etuusibwako ekizibu oba ng'etwalibbwa, olwobwagazi omwana w'omuntu bw'alina ku mbwa atuuka n'okugiwa emannya agagituukirako. Agamu ku mannya agatumibwa embwa kwe kuli Poliisi, Mukuma, Jack, bulindaala n'amalala njolo.

Wano mu Buganda, embwa muziro ddala, abantu bagyeddira era be bazzukulu ba Mutsasingwa. Ab'eddira embwa kwegamba embwa mu Buganda teriibwa. N'olwekyo tebalina kye basubwa okuggyako abantu ab'amaddu ennyo ng'empisi. Wambwa oba embwa ekuumma waka. Omuntu ne bw'aba awaka taliiwo, omutima gumubera wamu ng'asula wansi nga talina kveralikiirira. Mazima kitufu embwa teweewba nguzi n'olwekyo obukumi ebuko bulungi.

Ebyo nga bikyali awo, embwa addugaza awaka. Oluusi osanga eyonoonyewa ng'esydewo obubi bwayo. Ate yo bambui olumalirixa ogwayo ngenyeenya kabina kayo oba giyite enkoggo nga yeegendera. Owa omulungi ddala tabulako kamogo! Embwa teriibwa ka ebe ntototooba nkulu. Tomala budde bwo nti ogiraawee era kye bava bagamba nti, "Omala odubbe ng'alaawa embwa." Nebwesavuwala etya toyinza kukwatibwa maddu kugirya. Omugannda yava ddda ng'awoomerwa nnyo ennyama eyiggidwa embwa n'olwekyo embwa yeeyambisibwa nga mukuyigga naddala obusolo obutonotono obutalibwa bulabe nnyo nga engabi, omusu, enjobe n'eddala. Embwa bw'efa wano mu Buganda esuulibwa ku jjirikiti. Kano kalombalombo era kakuumimbwa butiribiri. Sirabanga muntu n,omuasuula mbwa wantu walala ekitegeza abantu baakikwata butiribiri? Ggwe wattu, okimanyi nti bannffe Abazungu kale bayite be Kyeruppe bbo embwa baziwembejja nga mwana! Bannaffe bano bazinaaza n'okuzinaaza ng'anaaza omuntu oba omwana! Omuzungu alemwa okunaaba mu budde naye obude n'abumala ng'afuuyira n'okusosola embwa ye. Tagikkiriza kubeerako nkwa. Ebyo obadde obimanyi? Genda mu bannaffe abo ojja kwerabirako.

Bannaffe abamu batuuse n'okulaamira embwa zaabwe okubasikira singa Mukama aba abaggye mu bulamu bw'ensi eno. Tezikoma kulaamirwa kusikira bantu bokka wabula n'ebintu byabwe byonna omuli ettaka, amayumba, amamotoka n'obutitimbe bw'ensibi obuba mu ma bbanka. Awo munnaga ensi weetuuse ku mulembe guno ogwa tekinologiya!

## **BIKOMYE WANO.**